ENNYINGO - 13

EBY'OBUFUZI NATE

13.1 Okwenyigira mu By'obufuzi (Politics)

Ekibiina ky'ebyobufuzi ekibalibwa nti kye kyasooka mu Buganda kyebayita "***Baana ba Kintu***" kyagunjibwawo mu 1938. Mwami Ignatio Musazi ye yali omukubiriza wakyo. Ekigendererwa kyakyo ekikulu kyali: okukumaakuma abalimi n'abasuubuzi mu kutumbula eby'enfuna byabwe. Ekisooka, basobole okutundira awamu ebirime byabwe, naddala pamba, bafunemu amagoba amaneneko. Ekyokubiri, bagobe abasuubuzi abagwira, naddala Abayindi, okuva mu byalo gye baali bamaamidde. Ba memba baakyo bangi baalina okwemulugunya kungi mu Katikkiro Nsibirwa n'omuwanika Serwano Kulubya, nga babalaba nga ba kyekkiriranya ba Bazungu abatayagaliza bannansi kwetumbula. Bangi nga bawaalirira kujjako baami abo. Oluvanyuma ***Baana ba Kintu*** kyafuuka ekibiina ekirwanirira okukomya enfuga ye kikoloni bwe kyegattamu abayigirize, abasomesa n'abakozi abalala, ne bongera okugaziya ebigendererwa byakyo. PK teyali memba wakyo omuwandiise. Olw'ekifo n'emirimu gye mu office ya Provincial Commissioner, oluvannyuma eyafuuka Resident Buganda, kyali kizibu okwetaba kyere mu kibiina nga ekyo. Naye kigambibwa nti yali awagira ne sekuwagira ebigendererwa byakyo. Era kigambibwa nti ne Kabaka Daudi Chwa naye yali awagira ebigendererwa by'ekibiina ekyo, mu nkukutu. Abazungu abakoloni bwebaakimanya tebaakisiima. Ekibiina ekyo kyasasika mu butabanguko obwaliwo mu mwaka 1945, Gavumenti enkuumi bweyawangangusa abakulu b'ekibiina ekyo awamu n'abo abaabali okumpi abaabawanga amagezi, nga Paulo Kiyingi. Mwoyo gwa gwanga Ssekabaka Daudi Chwa II, naye kigambibwa nti yali akozesa nyo Paulo Kiyingi nga omuwiiwe owa magezi ow'ekyama. Engeri PK era gyeyali akola mu offiisi ya Provincial Commissioner, awamu n'amagezi ge geyalina agaalyebulanga mu nsonga amangu ne gagijjamu omulamwa, bwewabangawo ensonga eremye nga ekwata ku Gavumenti enkuumi, nga Kabaka atumya mangu PK amuwe ku magezi. Kino kyali bwekityo, naddala engeri Kabaka Chwa gyeyali takyesiga nyo baami be ab'oku ntikko: Katikkiro Martin Nsibirwa, n'Omuwanika Serwano Kulubya.

Nga bwebagereesa nti awakula ennume tewakula emu, mu 1946, Paulo Kiyingi ne banne baba bakyali mu buwanganguse, Abataka abaasigala ne batandikawo ekibiina kyabwe **Bataka Party**, kyebaakazaako erinya **Bataka Union (BU**). Kino kyatandikibwawo abo Abataka abaali balumirwa ensi yabwe, nga ebigendererwa byakyo byagala okufaananira ddala n'ebyo ebyali ebya **Baana ba Kintu**. Baakola kawefube munene oluvanyuma eyawaliriza Gavumenti enkuumi okuta abawanganguse, Paulo Kiyingi ne banne, mu 1947. Olwokuba nti ebigendererwa bye kibiina kya Bataka byali bifaanana ne ebyo PK ne banne bye baali balwaniridde ebbanga lyonna, era nga bye bimu ku byabatwaza mu busibe, tewaaliwo na kulonzalonza PK kwesogga kibiina ekyo amangu ddala nga yakateebwa. Ekibiina ekyo kyasembeza buli oyo yenna eyali ayagaliza Omunnauganda omunnansi okubaako n'obwogerero munsi ye. Kyasembeza abakopi n'abaami abamu, abalimi n'abasuubuzi, abasomesa n'abakozi mu bitongole ebirala, Abaganda n'abo abaali ebweru wa Buganda mu bitundu bya Uganda ebirala, abamadiini gonna, abasajja n'abakazi. Bonna nga bakolerera kutumbula mutindo gwa Munnauganda omunnansi, kukomya bunyunyunsi bwa Muyindi, kukomya bufuzi bwa Muzungu obumbula, obwekiddu, na

kulwanirira kufuna bwetwaze (Independence). Kyokka okusinga nga ba memba baluubirira okukuuma ennono n'obwetwaze bwa Buganda nga bwebwali bulambikibbwa mu Ndagaano Y'olwenda (1900 Agreement).

Baalonda Omutaka Semakula Mulumba okuba omubaka w'ekibiina ekyo Bataka Union (BU) mu Bungereza n'amawanga amagatte, asobolenga okutuusa ensonga zaabwe butereevu eri omukulu wa matwale e Bungereza. Anti omubaka wa Kabaka wa Bungereza mu Uganda, Gavana, baali tebamwesiga. Baasondanga ensimbi ezaatambuzanga Semakula Mulumba n'okumubeesaawo e Bulaaya.

Ignatio Musaazi, eyatandika okukulembera ekibiina ekirala "Uganda African Farmers Union" nga avudde mu buwanganguse, naye yakolagananga bulungi ne Bataka Uganda. Olwo bonna nebongera okulwanirira okwongeza emiwendo gya pamba ne mwanyi, abalimi basobole okufunamu amagoba agasinga ku ge baali bafuna.

Paulo Kiyingi engeri gyeyali asazeewo okwemalira mu bulimi mu kyalo, kino yakiwagira nyo ne ssekuwagira yenna. Nga kyaluubirira kwe kusigala mu kyalo, ye olutalo olulwe olw'obwa Mwoyo Gwa Gwanga (*nationalism*) ne gy'aba alulwanira. Yali ayagala kugunjula muntu wa bulijjo ow'omukyalo, naye asobole okutegeera obulyake, obunyunyunsi, obunnanfuusi n'obukodyo bw'enfuga ye kikoloni (*colonial administration*) Gavumenti enkuumi (*Protectorate Government*) gyeyali ereese mu Buganda ne Uganda yonna. Era yali aluubirira okutumbula omutindo gw'omuntu wa bulijjo mu byalo mu bye nfuna n'amagezi.

Kyokka okusigala mu kyalo kuno kwasubya Paulo Kiyingi okwetaba mu kuddukanya ebibiina by'obufuzi eby'emirembe emipya (*modern political parties*), ebyatandika era ne byeyongera okutinta, eyo mu myaka gya ataano (1950s). Anti bino nga biddukanyizibwa mu bibuga binene, naddala Kampala ne Ntebe. Ye PK yasigalayo mu Bataka Union (BU) ne bwe kyagenda kiggwamu endasi, nga ebibiina ebipya bimeze. Okusinga ye nga ayagala kulwanirira kukuuma nnono na kitiibwa kya Buganda. Era bwatyo ne mu 1962, mu kulonda ababaka b'Olukiiko e Mengo, yali yesimbyewo nga omubaka w'ekibiina **Kabaka Yekka** akiikirira Kapeeka Bulemeezi, nga avuganya ne Mw. Ssettimba. Bwe baamuwangula eby'obufuzi kwe kubyamuka. Ndowoza yalaba nga era ne myaka gyegyo. Olwo nga aweza egy'obukulu emyaka nkaaga mu mukaaga; amaanyi nga nago gagenda gaseebengerera.